HARRIET NAKALEMA



Abagambibwa okubba obuwumbi 6 nga bali mu kaguli.

# Ababbye obuwumbi 6 mu bbanka basibiddwa

Bya HARRIET NAKALEMA

ABANTU 8 basindikiddwa ku limanda mu kkomera e Luzira nga kigambibwa nti, beenyigira mu kubba obuwumbi 6 okuva mu bbanka ya Finance Trust nga bakozesa kompyuta.

Abavunaaniddwa kuliko; Travies Nakabbungo 33, ow'e Kabuuma Busaabala, Makindye Ssaabagabo mu disitulikiti y'e Wakiso, Arnest Mulindwa 37 naye w'e Kabuuma, Robert Kaweesi 29 ow'e Salaama, Robert Kisitu 29, Nicholas Ssekyanzi 26, Sister Kyohirwe Family 29, ow'e Kyabukaju Akatojo Rubaare mu disitulikiti y'e Ntungamo, Doreen Nantale 30, ow'e Nkokonjeru mu disitulikiti y'e Buikwe ne Amos Lyada 31, ow'e Kirinnya Bukasa mu munisipaali y'e Kira mu disitulikiti y'e Wakiso.

Baasimbiddwa mu maaso g'omulamuzi wa kkooti ku Buganda Road, Ritah Neumbe Kidasa. Yabasomedde emisango esatu okuli; okukozesa kompyuta okubba, okubba n'okwekobaana okubba ssente okuva ku bbanka ya Finance Trust.

Oludda oluwaabi nga lukulembeddwa omuwaabi wa Gavumenti, Grace Amy lwategeezezza nti kigambibwa nti, bano n'abalala abatannakwatibwa wakati wa April 3 ne April 8 2026 mu disitulikiti y'e Kampala n'ebitundu eby'enjawulo, mu bumenyi bw'amateeka baafuna obuwumbi 6 okuva ku nnamba za MTN 53 wamu n'eza Airtel 80 nga bakozesa ebyuma bikalimagezi.

Abawawaabirwa emisango baagyegaanye, omuwaabi wa Gavumenti n'ategeeza nti bakyanoonyereza. Era yasabye baweebweyo obudde okwongera okunoonya avunaanibwa abalala. Omulamuzi yabasindise ku limanda e Luzira okutuusa nga May 13, 2026.